# Abayizi bayitidde waggulu ebya S6

Bya KIZITO MUSOKE NE SHARON NABASIRYE



Okuva ku kkono; omuwandiisi w'enkalakkalira owa minisitule y'ebyenjigiriza Kedrace Turyagyenda, minisita w'ebyenjigiriza ebisookerwako Joyce Moriku Kaducu, ssaabawandiisi wa UNEB Dan Odongo, minista w'ebyenjigiriza Janet Kataha Museveni, ssentebe wa UNEB, Celestino Obua, minisita w'ebyenjigiriza ebya waggulu, Dr. JC Muyingo ne minisita omubeezi ow'ebyemizannyo Peter Ogwang mu kufulumya ebibuuzo bya S6. Kozesa App ya Vision Digital Experience olabe vidiyo.

EKITONGOLE ky'ebigezo mu ggwanga ekya UNEB kifulumizza ebyava mu bigezo bya S.6 eby'omwaka oguwedde ogwa 2025 ne biraga ng'abayizi baayise bulungi okusinga bannaabwe abaatuula mu 2024.

Ssaabawandiisi wa UNEB, Dan N. Odongo bwe yabadde afulumya ebyava mu bigezo bino mu maka g'Obwapulezidenti e Nakasero yalaze nti, abayizi 166,400 be beewandiisa okutuula ebigezo mu 2025 ate nga bannaabwe 141,996 be beewandiisa mu 2024.

Kyokka abayizi abaatuula ebigezo bali 165,172 ate nga mu 2024 baali 140,884. Abawala baabadde 72,374 (ebitundu 43.8 ku 100) ate abalenzi baabadde 92,798 (ebitundu 56.2 ku 100) nga baatuulira mu bifo 2,452.

Abayizi abeewandiisa ne batatuula omwaka oguwedde bali 1,228 (0.7 ku 100) ate nga mu 2024 baali 1,108 (0.8 ku 100).

Ababadde baweererwa Gavumenti mu nkola ya UPOLET (Universal Post-O-Level Education and Training) bali 42,327, bye bitundu 25.4 ku 100 ate nga mu 2024 baali 35,652 (ebitundu 25.1 ku 100).

### ENGERI ABAYIZI GYE BAAYISEEMU

Abayizi beeyongedde okuyita bw'ogeraageranya n'abaatuula mu 2024. Abayizi 98.9 ku 100 bagenda kufuna satifikeeti za S.6 kuba okugifuna, olina okuba ng'ofunye subsidiary level mu ssomo lya Principal.

Abayizi 113,292 (ebitundu 68.6 ku 100) baafunye Principal Pass bbiri ezeetaagisa okwegatta ku yunivasite. Ate mu 2024 baali 92,273 (ebitundu 65.5 ku 100). Guno omuwendo gutwaliramu n'abaafunye Principal Pass essatu.

Ate omutendera gwa dipulooma ogwetaagisa omuyizi okuba ng'afunye Principal Pass emu ne Subsidiary emu (okugeza mu matendekero ga TVET), abayizi 145,129 (ebitundu 87.9 ku 100) be baafunye obubonero obwetaagisa. Omuwendo gulimu abaafunye Principal Pass emu ne Subsidiary olwo n'ogattako n'abo abaafunye Principal Pass ebbiri, n'essatu (abasoose waggulu).

### ABALIKO OBULEMU

Abaliko obulemu abaatuula ebigezo bali 540 (abalenzi-274 ate abawala-266) ate nga mu 2024 baali 437 (abalenzi-249 ate abawala-188). Abatalaba baabadde 26, abalaba ekitono 113, abatawulira-18, abaagongobala omubiri-25, n'abalala.

### ABAWALA BASINZE ABALENZI

Abawala baakoze bulungi okusinga abalenzi bw'ogatta omuwendo gw'abaafunye Principal essatu ne Principal ebbiri. Era bw'obala omuwendo gw'abayizi abaagudde era abawala baliko batono.

### ENGERI AMASOMO GYE GAAKOLEDDWA

Waabaddewo okwongera okuyita obulungi okuva ku ddaala lya A-E mu masomo okuli; Economics, Geography, Literature in English, Mathematics, Agriculture, Chemistry ne Biology.

Omuwendo gw'abayizi abaatuula amasomo ga ssaayansi n'okubala gweyongedde ng'oggyeeko essomo lya Physics.

Abawala baayise bulungi amasomo ga Arts, ate abalenzi ne beeriisa nkuuli mu Mathematics n'amasomo ga ssaayansi.

Abawala batono abakola Physics era omuwendo gwabwe gukyagaanyi okweyongerako wadde mu masomo amalala ng'okubala beeyongerako buli mwaka.

Essomo lya General Paper abayizi abasinga baafunye Credit 6, History-abasinga baafunye C, Economics abasinga baafunye wakati wa C - O, Entrepreneurship abasinga balina O, CRE-abasinga balina wakati wa D - O.

Geography abasinga baafunye wakati wa D ne O, Literature in Education abasinga baafunye C, Mathematics abasinga baafunye O, Physics abasinga baafunye wakati wa E ne O, Agriculture abasinga baafunye O, Chemistry abasinga baafunye wakati wa E ne O, Biology abasinga baafunye wakati wa E ne O, Art abasinga baafunye wakati wa D ne E, Subsidiary Mathematics abasinga baamugudde ne Subsidiary ICT abasinga baafunye wakati wa Credit 4 ne 6.

Abayizi baayongedde okuyita Mathematics, Chemistry, Agriculture, Geography ne Economics, Biology ne Literature in English.

Amasomo ge baakoze obubi awaabadde okuddirira kuliko; Entrepreneurship Education, CRE, Fine Art ne Physics. Okutwaliza awamu abayizi bongedde okuyita amasomo ga ssaayansi okusinga aga Arts.

### ABASIBE BWE BAKOZE

Abasibe 68 be baatuulira ebigezo mu Uganda Upper Prison Luzira ng'ebitundu 94.1 ku 100 baali basajja. 41 baayise amasomo gonna asatu, 66 bagenda kufuna ebbaluwa ya UACE eya S.6 ate babiri tebaafunye bubonero bubasobozesa kufuna bbaluwa ya S.6. Waliwo babiri abeewandiisa ne batalabikako.

### EBYAVUDDEKO ABAYIZI OBUTAKOLA BULUNGI

Mu masomo ga Arts (Humanities), ekizibu kyavudde ku kulemwa kutegeera amakulu g'ebigambo ebikozeseddwa mu kibuuzo (Question) nga mu History abayizi gye baalemeddwa okuwa ebyokulabirako ebisaanidde.

Mu masomo g'eddiini wabaddewo okulemwa okukwataganya ebyawandiikibwa mu bitabo ebitukuvu (Quran ne Bayibuli) ku mbeera y'obulamu obwa bulijjo.

Mu Geography, abayizi baalemeddwa okukwataganya obulungi bye basoma n'enkula y'ebitundu mwe babeera.

Bwe kyatuuse ku nnimi ennansi ne gujabagira kuba abayizi tebamanyi mpandiika ntongole, nga ne bye basoma tebasobola kubiteeka mu Lungereza.

Mu masomo ga ssaayansi, obuzibu bwavudde ku kulemwa kukozesa byuma n'okutaputa, olumu ne formula ze bakozesa nga nkyamu, ne ansa n'eba nfu.

Abayizi baalemeddwa okukozesa ebibasomesebwa mu bulamu bwa bulijjo.

### OMUZE GW'OKUBBA EBIGEZO

Odongo yagambye nti, ku mutendera gwa S.6 ebikolwa by'okubba ebigezo tebitera kubeera bingi. Ebigezo by'abayizi 351 byakwatiddwa nga baatuulira mu bifo 47.

Obuzibu bwavudde mu kuyambibwa mu masomo ga ssaayansi aga Practical. Abamu baasangibwa n'ebintu ebitakkirizibwa ate abalala nga waliwo ababakolera. Ebigezo bya bano UNEB yabisigazza okutuusa lw'eneemaliriza okubuuliriza kw'eriko. Mu kiseera kino UNEB eri mu kuwulira misango gy'abayizi ba P.7, aba S.6 baakubatandika nga March 16, 2026.